# BP. Banja awabudde abazadde ku nkwata y'abaana

Bya DENIS KIZITO

DENIS KIZITO



Abakristaayo b'e Mugongo nga baaniriza Bp. Banja.

OMULABIRIZI w'e Namirembe, Moses Banja awanjagidde abazadde okussa essira ku baana mu kadde kano ak'oluwummula lwe balimu.

Okwogera bino yabadde akulembeddemu okusaba e Mugongo mu Town Council y'e Kyengera.

Yategeezezza nti, ebiseera ebimu abasomesa bakola obuvunaanyizibwa bwabwe okubangula abaana kyokka bwe badda awaka okuwummula, oluusi abazadde abamu tebawaayo budde kugoberera bye bakola bwatyo n'abasaba abazadde okufaayo.

Bp. Banja era yasinzidde mu kusaba kuno n'avumirira n'abakulembeze abalina omuze ogwerowoozaako bokka ekivaako n'abamu okulya enguzi ky'agamba nti, kiraga ekifaananyi ekibi mu ggwanga n'asaba abakikola okwenenya.

Ssentebe wa Mugongo, Godfrey Lutaaya yasinzidde wano n'asiima Bp. Banja olw'embuulirira ye gye yagambye nti, ekwata butereevu ku mitima gy'abantu.

Omukulu w'essomero lya Gavumenti erya Mugongo P/S, Margret Mwesigwa yasabye babayambeko mu kuddaabiriza amayumba g'abasomesa kuba makadde nnyo nti n'enkuba bw'etonnya agamu gatonnya.